# Omuvubuka eyatemeddwaako ekibatu mu bubbi e Kyengera afudde

Bya PONSIANO NSIMBI

OMUVUBUKA eyatemeddwaako ekibatu mu bubbi e Kyengera afiiridde mu bulumi nga yeevuma eyamututte mu bubbi.

Joseph Sango 17, omutuuze w'e Kazinga mu Kyengera Town council yafiiridde mu ddwaaliro e Mulago ku Ssande ng'amawulire g'okufa kwe gaakakasiddwa omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Racheal Kawala.

Kawala yategeezezza nti, Sango okufa kyaddiridde okutemwako ekibatu bwe yabadde agenze okubba mu maka g'omutuuze omu ku kyalo Mugongo A, mu Kyengera Town council mu disitulikiti y'e Wakiso ekyamuviiriddeko okuvaamu omusaayi omungi.

Kigambibwa nti, ono okutemebwa, yabadde azzeeyo okukima omunyago ogwabadde gusigadde nga wano nnyini byo we yamuzingirizza n'amutemako ekibatu ky'omukono ogwa ddyo n'akikutulako.

Kawala yagambye nti, Sango baamutemesezza jjambiya ayabadde ewagaddwa obulungi kyokka nga tebannamutema, kigambibwa nti yasoose kulwanagana ne nnannyini maka gye yabadde abba nga bwe mu kugezaako okudduka, we baamutemedde.

Yatwaliddwa ku ddwaaliro lya Poliisi e Nsangi gye yaggyiddwa okutwalibwa e Mulago gye yafiiridde.

***Bukedde*** bwe yabuuzizza poliisi omusango oguyinza okuggulibwa ku agambibwa okutema Sango omukono, Kawala yategeezezza nti bajja kusinziira ku kulambika kw'omuwaabi wa Gavumenti.

### ABANTU ABAZZE BATEMWAKO EMIKONO

Mu March wa 2025, abatuuze baataayizza Bosco Ssekima ne bamutemako omukono oluvannyuma lw'okumukwatira mu misiri gw'emmwaanyi za mutuuze munnaabwe eyategeerekekako erya Luboyera. Bino byali ku kyalo Kalagala mu disitulikiti y'e Kassanda.

Mu June wa 2025, bbulooka w'ettaka Ssaalongo Abbas Bantaliza omutuuze w'e Nsangi bamutemako ekibatu emisana ttuku, nga kigambibwa nti eby'okutema Bantaliza byalimu enkaayana z'ettaka.



Omugenzi Sango eyatemeddwaako ekibatu.